**16th. Feb. 2020**

## Engeri Y'okuweereza Mukama

## Okubala 3,4

VS1-4 Batabani ba Alooni Nadabu, Abiku, Eriyazaali ne Isamaali baafukibwako amafuta okwawulibwa okubeera ba kabona.

VS 5-13 Abaleevi baaleetebwa eri Alooni okumuweereza, n'ekibiina kyonna awali Eweema ya Mukama ey'Okukungaaniirangamu.

Baalina omulimo gw'okulabirira ebintu byonna eby'omuweema era ng'omuntu omulala yenna bweyasamberereranga awatukuvu yali waakufa.

Era Abaleevi baaweebwayo ng'ebibereerye eri Mukama okuva mu Bayisirayiri bonna.

VS 14-39 Abaleevi baabalibwa buli mwana omulenzi okuva ku w'omwezi ogumu n'okudda waggulu.

Abaleevi baalimu ebika bisatu omuli; Gerusoni, Kokasi ne Merali.

Oluvannyuma lw'okubala Abagerusoni baali 7,500 era nga bano baasiisiranga bugwanjuba (emmanju wa Weema ya Mukama).

Ate bo Abakokasi baali 8600; bano baasisiranga ku ludda lw'obukiikaddyo obwa Weema ya Mukama.

Abamerali baali 6200 bano baasisira ebukiikakkono (NKJV- luganda eraga nti nabo baali kuludda olwebukiikaddyo) nga Abakokasi.

Omugatte bonna awamu baali 22300 newaakubadde nga wano tulagibwa nti baali 22,000.

VS 40-51 Mukama yalagira Musa abale abaana ba Isirayiri ababererberye bonna mu okuva ku w'omwezi ogumu.

Ng'amaze okufuna omuwendo gwabwe, yafuna Abaleevi ne badda mu kifo ky'Abayisirayiri okuva mu bika ebirala era bwatyo yakola ne kuntu nte z'Abayisirayiri abalala n'aziwaanyisa n'ez'Abaleevi.

Ababereberye ba Isirayiri abaafikkawo Mukama yalagira Musa addire gulaamu (Sekeri) 50 ku buli omu ngeraageranya ku gulaamu 11 ey'awatukuvu (sekeri ey'obuzito bwa gulaamu 11.5) zino zaali za nfissi okwenunula oluvanyuma ensimbi zino n'aziwa Alooni ne batabani be.

Nga bwetulabye mu lunyiriri olw'omusanvu (vs7) Abaleevi abalala baali baweereza Alooni kabona omukulu ate era nga baweereza b'ekibiina kyonna mu mirimu gy'Eweema ya Mukama.

Omulimu gw'akabona gwalabika nga munene naye nga gwayanguwa kubanga yalina ekibinja ky'Abasajja abaamukolerangako.

Tulina Kabona Omukulu Yesu Kristo olwaleero era nga ye mukulembeze omukulu ow'Ekkanisa era nga buli aweereza aweereza Kristo Yesu. Wansi wa Kristo wewali omusumba ate ono naye n'alyoka aba n'abaweereza abalala b'akola nabo emirimu era nga baweereza Katonda ate n'ebaweereza abantu eri Katonda.

2 Abakkolinso 4:5-6

Abaefeso 4:10-13

Buli omu kuffe Katonda amuwadde omukisa okubaako ky'akola era ng'ekyo kyetukola mu bulamu bw'abalala kirina  kubafaananya nga Kristo Yesu.

## Chapter 4 Okubala ennyirir z'Abaleevi

VS1-20 Kokasi; abasajja okuva ku b'emyaka 30-50 era bano baaweerreza mu mirimu gya Weema ya Mukama omuli okulabirira ebintu ebitukuvvu ennyo.

a) Okusutula Ssanduuko y'Endagaano
b) Emmeeza ey'Eyemigaati egy'okulaga; ssaako amasowaane, amabakuli ne jaagi ez'ebiweebwayo eby'okunywa.
c) Ekikiondo ky'ettabaaza, ettabaaza, ebikomola entambi, ensuniya, ejaagi ez'amafuta g'omuttabaaza.
d) Ekyoto; ensiniya z'omuliro, ewuuma, ebijiiko n'ebibya.

Obudde bw'okutambula nga butuuse, Alooni ne batabani be bazinganga ebintu bino mu ngoye, ne bissibwa ku misituliro olwo Abakokasi ne babyettikka.

Abaleevi baakikolanga n'obwegendereza Abakokasi baleme okufa.

Waggulu w'Abakokasi waaliwo Eriyazaali eyali abakulembera.

VS21-28 Gerusoni; nabo baabalibwa abassajj okuva ku myaka 30-50 ku lw'okuweereza Mukama mu Weeema ye Ey'Okukungaanirangamu.

Emirimu gyabwe mwe mwali;

- Okwetikka entimbe zonna mu Weema ya Mukama n'amaliba ga lukwata agaabikkibwanga ku  ngulu kwayo wamu n'emiguwa gyayo.

Bano baalabirirwanga Isamaali mutabani wa Alooni kabona.

VS 29-33 Merali; baabalibwa okuva ku myaka 30-50.

Emirimu gyabwe gyali;

- Okusitula omudaala gw'Eweema ya Mukama ya Mukama n'embaawo zaayo, n'empagi, n'ebibya mwezituula, empagi ezeebulungulula oluggya n'ebibya byazo mwe zituula, n'enkondo z'Eweema n'emiguwa gyayo.

Bano nabo baakulemberwanga Isamaali mutabani wa Alooni kabona.

Vs 34 Emiwendo gyonna nga giwedde; Kokasi (2,750), Gerusoni (2,630), Merali (3,200) bonna omugatte baali 8,580.

Buli omu yaweebwa eky'okukola era n'ategeezebwa eky'okwetikka buli kimu ne kikolebwa nga Mukama bwe yalagira Musa.

**Buli muntu yaweebwa eky'okukola**

Nga twekenneenya enkola eno mu murimo gw'okuweereza Katonda tulaba nti bano Abaweereza baali bakimanyi nti tebaweereza Alooni wabula baweereza Katonda era Katonda nga bakola ebyo byetulabye waggulu.

Baaweebwa engeri y'okikolamu

Abaayitibwa okukola omirimo gino baalungamizibwa bulungi ngeri ki gyebaalina okukola emirimu gino ate n'obwegendereza.

Bwe tuzuula abalina okuyitibwa okw'enjawulo tulina okutwala obuvunaanyizibwa okusomesa abantu bano butya bwe balina okukola emirimo gyebaayitibwa okukola.

Okulungamizibwa kuno bwekutakolebwa abantu bano bwetutabatendeka tuba tubaleetedde obuzibu nga bo ate n'abantu bebaweereza.

Okusobya kwaleetanga okufa.

**Mukama- Musa- Alooni- Omukulembeze w'olunyiriri- buli omu – omulimo**

Mu buweereza mulimu ennungamya nga bwe tulaba nti abantu bano baalina olujegere mu kuweereza; okuva ku Mukama ne tudda ku Musa, Alooni, Omukulembeze w'ekibinja (ekika), buli omu ate olwo omulimo ne gulyoka gukolebwa.

Enkola eno terina kubuusibwa maaso kubanga etukuumuira ku mulamwa gwa Katonda. Buli kitundu ku yo bwekifuna obuzibu wabeerawo obuzibu.

Okuweereza tuweereza oba twagala okuweereza naye tuweereza tutya? Okuweereza kwaffe kwa mugaso naye n’engeri gyetuweerezaamu yaamugaso. Bangi abakola naye nga engeri gye bakolamu si ntuufu.

Okukola kwaffe kulina okuba n’obwegendereza

Kulina okuba n’ebigendererwa ebituufu

Era kulina okuba kulina okuba n’okulungamizibwa okutuufu kw’ebyo byetugenda okukola.

2 Samwiri 6:1-13

Abafiripi 2:2-11